

01st October 2017.

OKUBA ABA MUKAMA, N'OKULUDDAMIZIBWA YYE.

Okuva 13.

Omulundi ogwaggwa twaleka Abaana ba Isirayiri baggiddwa mu nsi y'eMisiri oluvannyuma lw'okuyitako kwa Malaika wa Mukama omuzikiriza ku nju zaabwe olw'omusaayi ogwaali ku myango gyaabwe, kyokka n'atta buli kibereberye ky'aba Misiri mu buli nnyumba, okuviira ddala mu lubiri lwa Falaawo, okutuukira ddala mu nju y'omusibe ali mu kkomera. Olwo Mukama n'alagira okutongozebwa kw'embaga bbiri: Ey'okuyitako erina okuba ku ntandikwa ya buli mwaaka, awamu n'ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse eyamalanga ennaku musanvu. Mw'ekyo ne tubeera ddala n'okutongozebwa kw'Okuva, oguli omulamwa gw'ekitabo kye tusomesebwaamu.

Mu ssuula yaffe ey'olwaaleero, ey'ekkumi nassatu tulaba ebiragiro Mukama bye yawa Isirayiri; Okutukuza bawonge abasooka baabwe bonna gyaali, okukakasa okujjukiranga okununulwa kwaabwe okuva mu Misiri, nga mu kkikola bakuza embaga y'Emigaati Egitali Mizimbulukuse, okutegeezanga obulungi ezadde lyaabwe kw'ebyo byonna, Okuwaayo eri Mukama ebisolo ebisooka okuzaalibwa, era n'okukinnyonyola abaana baabwe. Ne tulaba n'okulabirirwa kwa Isirayiri nga Mukama abalunnamya mu lugendo, n'okwettika kw'amagumba ga Yusufu ogaggya mu Misiri nga bagenda mu nsi ensuubize.

Tusome nny.1,2.....

Abazadde tebaalina kweetwaala ng'alina abaggulanda baabwe okutuusa nga babawonze eri Mukama era ne babaddizibwa ku muwendo nga bwe tulaba kikulwa ne ku Yesu Kristo Mukama waffe mu Lukka 2:21-24.....

Ebyo eby'enjawulo ennyo(special) gye tuli nga bwe bituweebwa Mukama tulina okubiwonga gyaali okusiima ekisa kye n'obugabirizi bwe mu mmusinza nga Ye yasinga okuba ow'enjawulo gye tuli.

Era Mukama Katonda asooka era asinga mu bulamu bwaffe, agwaana ebisooka era ebisinga omuwendo mu bulamu bwaffe, okwagala kwaffe gyaali kubenga kujjuvu era kusukkulumu ku kwagala kwaffe eri ebirala byonna, era mu mmugulumiza nga Mukama.[Engero 3:9].

Bwe tweetegereza, mu Baebbulaniya 12:23, ekanisa eyitwa y'abaggulanda ba Mukama, ate Baruumi 8:29 etutegeeza nga Kristo bwaali omubereberye mu b'oluganda abangi, era mu ntabagana naye fenna tubalwa ng'abaggulanda tusobole okulya naye obusika bw'obwakabaka.

Bwe tusoma nny.3 – 10,.....

Tekyaamala bumazi kujjukiranga lunaku lw'okununulwaako kwaabwe okuva mu Misiri, wabula baalina okulujaguzangako n'engeri Mukama ze yatongoza okkikolanga. Nga mu njiri, tetujjukira bujjukizi Yesu Kristo wabula yatulagira okusemberanga ku mmeeza awamu okulya n'okunywa nga tujjukira omubiri gwe n'omusaayi gwe.

Tweetegereze okukalaatirwa kw'obutaba na kizimbulukusa wadde mu nju. Ekibi kibe wala nnyo n'affe mu kusinza n'okuweerezanga Mukama w'obulamu bwaffe.

Mu nny. 11 – 16, ezisoma nti.....

Ebisolo nabyo olw'okweetaba mu kununulwa bwe byawonyezebwa nabyo by'alina okuwongebwa eri Mukama, ssinakindi okusaddaakibwa gyaali, olw'okuba nga ye yali ensonga y'okuggibwa kwaabwe mu busibe era obuddu.

Era nga bwe kyagambwa mu Inny. 8, kiddibwaamu mu nny.14-16, nga Mukama bw'akissaako essira bwe buli obuvunaanyizibwa bw'abazadde okutegeeza n'okkubiriza abaana baabwe okumanya Mukama n'amateeka ge n'ensonga z'ago.

Matthew Henry agamba nti “ Singa okumanya kwa Mukama kwa kujjula ensi ng'amazzi g'ennyanya, ensulo z'okubuulirirwa kw'omumaka zirina kusooka kuzibukulwa.”

Balina okumanya mu birabwaako ebituufu, n'ebigambo ebitegeerekeka lwaaki Mukama Katonda asinzibwa era akkiririzwaamu era agwaana oggondera, okusookera ddala mu maka okuva ku bazadde baabwe.

Ng'abaana, ekisa eri bazadde baffe, kisa gyetuli, tuganyulwa nnyo mu mikisa gyaabwe ng'era bwe tunaalaba Mukama agamba mu ssuula 20:5,6.....

Mu kusoma nny.17 – 22.....

Okuba nga bwe kyogerwa mu Baruumi 8:14 nti “Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda, abo be baana ba Katonda.”

Tulaba Mukama ng'akulemba Isirayiri mu ngeri ebafaako, nti wadde baali bakutte eby'okulwanisa nga beetegekede okulwana nga bwe tugambwa mu Inny. 18, tebaali balwaanyi okugeraageranya n'Abafirisuuti, nga I Abakkolinso 10:13 bwe lugamba nti Mukama taganya kukemebwa ttuggira kwe tutayinza kuwangula. Ate era baalina okuyitira ku lusozi lwe yasuubizaako Musa kwe bali musinziza, era gy'alibaweera amateeka gaabwe, ate beyongere n'okuguma n'omumanya mu lugendo, basobozesebwe okuyingizibwa mu busika bwaabwe obwaasuubizibwa bajajjaabwe, wadde tumanyi okujjako babiri bokka, abalala bonna baalemererwa, olw'obutakkiriza bwaabwe.

Mu Lubereberye 50:25,26 Yusufu yabasuubiza abaaliwo okununulibwa kwa Mukama ng'abakyaalidde, era amagumba ge gaalinga nkwaaso eri ekisuubizo ekyo, era Yoswa yagatuusa e Ssekemu nga bwe tugambwa mu Yoswa 24:32.

Bwe tutyo tulaba Mukama ng'abalunnamya mu kkubo ly'omuddungu wadde nga baali bakulemberwa Musa, ate nga bw'abawa ekisiikirize mu ttuntu ate n'omuliro okubabugumya mu kiro awamu n'okubamulisa, mu bbyo omwaali eby'amagero bya buli lunaku, wadde nga n'oluusi beemulugunyanga n'okujeema ne bajeema, teyabalekerera okutuusiza ddala bwe baatuuka ku kuyingira mu nsi ensuubize.